

# **CBM Uganda**

## **AB'OLUGANDA MU YESU**

### **EBIKULU MU MAZIMA GA BAIBULI**

#### **YESU KRISTO**

#### **AKOMAAWO!**

1. Ki kwetutegereera nti Yesu akomaawo?
2. Bubonero ki obwabiseera?
3. Kiki Kristo kyeyali ategeeza bweyagamba nti tusabe nga bwe tuti: "Obwakabaka bwo bujje?"
4. Katonda alina ntegeeka ki n'ensi?

Bino bye bimu kubibuzo byetujja okuba nga tulwooza ko mu katabo kano. Kasomere wamu ne Baibuli. Olowooza tekyandibade kya kwewunyisa? Nga Yesu akomyeewo ku nsi. Yandiwonyeeza abalwade, na tuyamba, ate na tukulembeera - ebintu ebyo byonna abakulembeze bafe bye batasobola kukola. Ekanisa ezisinga obungi ebintu binno bizisomesa busomesa, naye ffe. Ab'oluganda mu kristo tubikirizamu ddala.

Bw'osoma Baibuli nawe otuuka kimu kyenyini kinno:

**YESU KRISTO AKOMAAWO.**

Tulina obukakafu nti Yesu akomaawo mu nsi eno ey'ekibi asobole okigifula enungi ennyo ddala, ku banga Baibuli bw'etyo bw'egamba.

Endagaano enkadde yatekateeka abantu ku kujja kwa Kristo okwasooka nga ebabulira ddi lwalizalibwa, ne biki by'eyali egenda okola, n'engeri gyeyali egenda okufaamu. N'okwefananyiiza ko ebyo, yo endagaano empya etubulira bingi ebikwataganaku ne kudda kkwe okw'okubiri - ensi nga bweriba efanaana mu, ne ki kyagenda okukula, n'obuyinza bwe mu bwa kabaka bw'agenda okuleeta.

Baibuli yo teyawulibwa mu bitabo bibiri, Edagaano enkadde n'empya. Kiri ekitabo kimu. Kirina obubaka bumu obw'omudiri??aanwa:

"**YESU KRISTO AKOMAAWO.**"

**EBISUBIZO**

Bwetuddako enyuma mu kitabo ky'oluberyeberye ensula 12 okutuuka 25 tulaba nti Katonda yalonda omuntu omu mu bantu abalala bona, n'amusubiza nti mu ye amawanga gonna mwe galiwerwa omukisa. Omusajja oyo eninnya lye ye Ibulaamu nate ekisubizo kinno Mukama n'akidaamu eri omwaana wa Ibulaamu Isaaka, n'eri omuzukulu we. Yakobo-amanyiibwa nga Isiraeri. Era ebyawandiikibwa bitutegeeza nti enyumba eno ey'ebika ekumi n'ebibiri ly'afuka ggwanga eddene, era n'ate Mukama yadaamu ebisubizo binno eri abamu ku b'omunnyumba eyo emirundi mingi.

Malyaamu maama wa Yesu yava mu nnyumba enno, era mu biseera Yesu mw'eyazalirwa mu nsi ya Isiraeri abantu bangi bali balinze omulokozi era kabaka.

Bonna bali bamanyi ebyasubizibwa nga era basubira omuntu ow'amanyi okubanunula eri enfuga ya Abaruumi era abeere kabaka waabwe. Laba ebimu ku bisubizo Katonda by'eyakola eri Isiraeri:

\* "Nti balisikira ensi ya Isiraeri emirembe n'emirembe" (Lub. 13: 15).

\* "Enyumba y'obwakabaka bwa Kabaka Daudi eneberanga ya nkalakkira ennaku zonna" (2 Sam. 7: 16).

\* "Mu nnaku ezo Yuda alirokoka ne Yerusalem kirituula mirembe" (Yer. 33: 16).

Yesu bw'eyali ng'awezeeza egy'obukulu 30 yabonesebwa eri abantu ba Isiraeri nga omwaana wa Katonda. Era bangi kubo bakiriza nga bw'eyali aze okuba omulokozi era Kabaka waabwe, n'aye abafuzi abasinga obungi tebamwagula. Baali tebamanyi ova okukiriza ebyo Katonda bye yali asubiza malyamu nga ayita mu malayiika we, yadde ebyo bamalayiika bye babulira abalunzi. Era abakulembeze bangi tebakiriza eby'amageero eby'okuwonya newakubade ebigambo bye eby'amaanyi. Mubanga lya myaka essatu n'ekitundu bali maze okusendasenda Abaruumi okumutta. N'abayigirizwa bamulekulira ne baduuka.

**OKUZUKIIRA**

Naye Yesu teyasigala magombe! Mukama Katonda yamuzukiza okuva emagombe era n'amuwa obulamu obupya obw'enjawulo ennyo. Nga n'ate takyadayo kufa - era katì Kristo mulamu takyatayo kuffanate. Agamba bwati: "Obuyinza bwonna mu nsi ne muggulu bumpereddwa". Kinno ne kiraga nga bw'ali omulokozi ate nga Kabaka!

\* Enno ye yali entandiikwa!

Ng'azukide, Yesu, teyalabikira abo abali nga tebamukiriza. Omukisa gwaabwe ogw'okumulwanyisa n'okumubuuza ebibuzo gwali guwedde. Abayigirizwa be n'abagoberezi be boka be babamulabako era ne bogera naye. Ng'amaze ennaku 40 okuva Iweya zukira yalinnya mu ggulu, naleka ekisubizo ekikulu ennyo nti:

"Oyo Yesu abaggiddwako okutwalibwa mu ggulu alijja bw'atyo nga bwe mumulabye ng'agenda mu ggulu" (Bik. 1: 11).

Kinno tekinaba kuberaawo. Naye ate mubutufu oyinza okufunulira mubufunze entegeeka ya Katonda eyo gyetumaze okulaba, nti Kristo Yesu aija kutukiriiza ebyo bye yasubiza n'ate akomeewo ku nsi.

#### OKUDDA KWA YESU.

Kati tujja kw'eyongeera n'ate okutunulira mu by'awandiikibwa okufuna ekifananyi ekitufu.

1. Mukama Katonda yagambe nti amawanga gonna ag'omu nsi galiweerwa omukisa mu Ibulaami (Lub. 12: 3).

2. Mu kabaka Daudi mwemulisibuka kabaka w'ensi yonna (Luk. 1: 32).

3. Kabaka oyo alifa n'aye talisigala magombe (Zab. 16: 8-11).

4. Omwaana wa Katonda bw'aliba ng'a komyeewo eddungu lirisansula n'abalwadde baliwonyezeebwa (Is. 35).

5. Ensi erifugiibwa omwaana wa Katonda, okuyima mu Yerusalem (Is. 2: 2-5).

Kinno kiraga nti okuva kuntandiika entegeeka ya Katonda yali nti kuleeta mwaana we nga omulokozi ate nga Kabaka. Okuzaalibwa kwa Yesu n'obulamu bwe ku nsi ky'ali okusobozeesa abantu okumumaanya n'okutusobozeesa ffe Okutegeera ky'agenda okukola nga akomyeewo n'ate.

#### KIKI KATI YESU KY'AKOLA?

Yesu kati ali mu ggulu, ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, okutekateka obwakabaka bwe bwaggenda okujja n'abwo. Y'ensonga Iwaki yatugamba okusabanga nti: "Obwakabaka bwo bujje".

Kinno kiri kumpi okutukiriira! Yesu aija kumaawo okuva mu aggulu okuleeta obwakabaka bwa Katonda ku nsi Alizukiza abafu, alongoose ensi, afugire ku ntebe ya jjajja we Daudi e Yeruseleemi.

#### OBUBONERO

Katonda teyatuwa lunaku olwe'byo binna byonna ebigena okubeeraawo n'aye yatuwa obubonero okutulaga ddi Iwe tuba tusubira okukomaawo, kwa Yesu Kristo. Wansi wanno waaliwo "obunaabbi" obutonotono okuva mu Baibuli Orwogeera ku maadda ga Yesu.

1. Abayudaaya balidaayo mu nsi yaalbwe (Yer. 23: 5-8).

- Kinno kyo kyibadewo mu mulembe gwa ffe!

3. Embeera embi ennyo eriberaawo mu mawanga gonna (Luk. 21: 25-27)

- Kinno kyo kitufu kati okusinga ko ne bwekyaaaliwo emirembe ejjayita.

4. Amawanga mangi mu nsi galitisatisa okulumba Isiraeri (Zek. 14: 1-11)

- Tulindiriire kinno okuberaawo mangu nnyo!

Kitandiise okulaga nga embeera eriwi kati eraga nga Yesu bwanatera okuda. Tetumanyiide ddala lunaku Yesu Iw'akomaawo, n'aye tuyinza okulaba ebyo byonna ebiriwo ebigena bikoleebwa mu nsi Obunaabbi bugenda butukirira. Abayudadaya bangi bakirizibwa okuva mu Russia (laba Yerimiyya 23: 8).

Bunno bwe bumu ku bunnaabbi obugenze bweyongeera kw'obwo obuze bubaawo.

Kati, kiki ggwe gy'ogenda okukola? Ogenda kulindiriira Yesu akomeewo okusoka oly'oke obeko n'ekyokola? Kiyinza okukuberera ekizibu, obanga kinno ky'olowooza.

Ab'oluganda mu Yesu bagezeeko okugondeera eddobozи ly'Enjiri, n'okuba abetegefu eri omulokozi wafe Kabaka (mululimi olw'edagaano empya, Oluyonaani, "Yesu" kitegeeza "omulokozi" ate "Kristo" kitegeeza "Kabaka").

Wandyagade okwetegekeera okuda kwa Yesu? Tukuwereeze akatabo akalala akakwatagana ne ku mazima ga mu Baibuli amatufu?

#### YESU KRISTO AKOMAAWO!

Christadelphian Bible Mission (Uganda), 404 Shaftmoor Lane, Hall Green, Birmingham, B28 8SZ.  
CBM Office (Uganda), PO Box 725, Jinja, Uganda.